Banange ndi musobya?
Posted by kapakiti - 2008/05/05 12:09

Ntera kukola kiro, kale nze ne maama wabaana tetutera kuba na biseera bingi kuba emisana ye aba bussy ate nze ekiro mbeera. Nafunyeeyo ennaku kumpi nnya nange nengamba nti zino we tugenda okwemalira eggoga. Naye nakanze kugamba ku munange, yakombye ku erima nga njogera ku gologoosa ate ye ali mu Taiwan. Wamma ggwe ne mpulira ekizibu. ennaku bbiri nsula ku budde kuba musajja mukulu bwalinnya enkandaggo mbeera sinnamujjanjaba sifuna ku mpeke ya tulo era naye akimanyi.

Olwandibadde olw'okusatu kwe kufulumamu ne noonyayo edduuda wamma ggwe ne zidda okuinywa. Nakomyewo nga ndiko n'akamwenyumwenyu era ekiro saamuwuunye. Ngowekikye bwatabulirirwa yakitegedde era olutalo n'akola lwa maanyi nnyo. Naye banange ka nkikinale mbuuze nti embuzi bw'ogimma ebiwata n'esibira mu musiri gwa muliraanwa ebeera nsobya?

Oba obugumikiriza bulina kukoma wa?

Baibuli tetugaana okulumya banaffe?

Eno ensonga ngitaddeko era bwe mugunsalira nja kwetonda era nja kuliwa naye bwe mugumusalira naye ajja kuba alina okungatta.

==========

Re:Banange ndi musobya?
Posted by JeenaJulia - 2008/05/05 13:29

Woolololololololo bwahaaaaahaaahaaahaaa :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: Kapakiti onzisiza enseko olwaleero naye nze kulwange silabilawo dala nakotono nti oli musobya,jukila nti obwetavu tebulina tekka,ate nga omubili gwo otulo guba gukwetagga,munno naye bambi awo yalimbyemu okujjako nga waliwo ekilala naye mmhhh mmmhhh yalimbidde dala.Koggwe nti owange silina gayabika kanve ku stage ngende nelondele yo elyamangu:lol: Katubasabile.

==========

Re:Banange ndi musobya?
Posted by kingo - 2008/05/05 14:58

---

kapakiti, nga olwo lwonna omwana aulumiza ki bwatyo, wabadde mutuufu.

==========

Re:Banange ndi musobya?
Posted by fikema - 2008/05/05 15:26

Muganda wange Kapakiti ate ebibyo bibi nnyo.Kuba munange ffe abasajja tulinga motooka.Kuba munange emotooka bwogigayalilira notogikoola service wekanga munange engine ekuubye.Nga ate ne pressure bweyitiliira nayo si nungi.Ate nga seruganda olina ensonga elabiika nga ye leese kazala bulwa ewuuwo eyo.Okimanyi okunonya LIZIKI ekiro nga olina mukulu muno awaka kintu si kitufu nakatono kuba kisoboka okuba nga gwe bwoseguuka nga omulala akudiira mu bigere era ogenda okuda ewa muno bwaba ayagadde akuwa makombo olwo gwe nosanyuka nnyo.

Naye nga omusajja sikunenya nakatono okugenda awalala okugezaako okwenaaza enaku ku mwoyo.Era bwewabawo omusajja yena akunenenya oyo mpozi nga ava ku planet ndala kuba ekyo kya butonde.

Anti atakubaliira nawe tomubaliira.Empewo bwekufungula nga nawe ogikunamiira.Ekikulu kyesimanyi oba wayitiddeko mu ndabilwaamu emyufu okwemalaako eggoga oba nawe olinako gyoyitira nga onyuse ku makya okunaba ku maaso.kakati nga maliliza muganda wange nze awo ndi ku luuyi lwo kuba ekyo kyabutonde kuba oluusi olisa amaaso notuuka wokoma.

Abankumiire mwena bakiise banange

==========

Re:Banange ndi musobya?
Posted by xaza - 2008/05/05 15:41

Bwana Kapakiti, waliwo kyesitegedde bulungi. Mama w'abaana yakuwadde nsonga ki okugaana kyomugamba? Tayinza kugana okujjako ng'alina ensonga. Ayinza okuba nga yabadde munsonga. Oluusi buba nabusungu.

2. Ogambye nti otera okukola ekiro... Buli lwokola ekiro mama agaana?

3. Oyo gwewafunye ebbali munno wadda ng'otera okumweyambisa? Eyo ssi yensonga lwaki mama w'abaana yakutegedde mangu? Teyandiba nga yabalinya dda akagere?

4. In fact, eyo ssi yensonga lwaki mama w'abaana yagaana kyomugamba nga munyiivu? Oba wagenze ku shopping mu "katale kamawanga amagatte"?

5. Ogambye nti obugumikiriza bulina webukoma...? Era ogambye nti kulunaku olwokusatu "musajja mukulu" yalemereddwa. Bulijjo mama bwaba ali munsonga okola otya?

6. Bible egaana okulumya munno. Era egaana okutambulamu okunoonya edduuda.

7. Buli lwewabaawo embeera embi wakati w'abantu, buli gwekitwatako ab'alina ebitundu 50% mukuteekawo embeera eyo embi. Olowooza kiki gwe kyewakoze ekyaleseewo embeera eyo embi wakati wa maama w'abaana naawe?

Bwonomala okunziramu ebyo, awo nja kusalawo ani mukyamu.

==========

Re:Banange ndi musobya?
Posted by omumbejja - 2008/05/05 16:42

:laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: :laugh: Abange nanditesezza naye buli kyensomye kubididwaamu nomuwanjazi :unsure: njakkomawo edda mpe ensala yange akatale kamawanga amagatte , buli lwenzigya wano nfunayo ekyo kuyiga, edduuda lye liki? , zino zi liziki zino mpewo kufungula era naawe notoba mubi nogikunamira:woohoo: abange kankomewo ngembiriizi ziwonye enseko zinzita

==========

Re:Banange ndi musobya?
Posted by kapakiti - 2008/05/05 17:53

Maama w'abaana talina nsonga wabula kwagala kulumya bulumya bantu era teyabadde mu ninkini kuba bulijjo bwe yekoona akagere, mbeerawo era ninda naye era afuba nnyo obutansikiriza naye ekyaleese obuzibu kwe kuyiwamu obugoye bwa match day naye n'atatuula na ku substitute bench ate bwagira neyewoomingisa ng'anatera okuyingira ekisaawe gwe wamma n'anteeka ku bunkeenke. Okusowola omukono ng'agusukuma mpulira guwumiza bisenge banange nabadde ku yoleke.

==========

Re:Banange ndi musobya?
Posted by omumbejja - 2008/05/05 21:55

Kapakiti are you for real:ohmy: otukolako kati katemba nze ndowooza nti munno okkuyiramu obugoye bwamatch day yabadde akutegeka kati olwo substitute bench wabadde gwe oleeta yaaki ye twogera kunki eno? aaaaaa banange mwongere okusomesa tukyaliyo abalina obwongo obuyiga ebipya kasita mutuyamba nemutunyonyolako ekitono nemutatuleka wabbali wamboozi, nga bwetuli abetegefu okusalilra ensonga amagezi naye nga ddala tonnasalawo kisembayo wandimaze kumalayo kirara kyonna ekyandikendezezza ku mbeera eyo eyakanayokyaani gyewesanzeemu ngo kweyiwako otuzzi otunyogoga you know cold shower or meditate or.....:blush: nga tonasalawo ku kugenda mu mawanga magatte ngootya nti engine eyinza okkuba, nga tonanoonya edduuda , byo bino byembula nabyo wanabaawo abinyinyonyola kye bitegeeza nze munnamwe njagala okuyamba mukiise munaffe. Nze ndaba Kapakiti naye tayamba buli lwakomawo ebintu ayongera kubyonoona:lol:

==========

Banange ndi musobya?

Posted by xaza - 2008/05/06 17:20

---

kapakiti wrote:

Maama w'abaana talina nsonga wabula kwagala kulumya bulumya bantu era teyabadde mu ninkini kuba bulijjo bwe yekoona akagere, mbeerawo era ninda naye era afuba nnyo obutansikiriza naye ekyaleese obuzibu kwe kuyiwamu obugoye bwa match day naye n'atatuula na ku substitute bench ate bwagira neyewoomingisa ng'anatera okuyingira ekisaawe gwe wamma n'anteeka ku bunkeenke. Okusowola omukono ng'agusukuma mpulira guwumiza bisenge banange nabadde ku yoleke.

Bwana Kapakiti,

Mwakamala mu bufumbo emyaka emeka ne mama wabaana?

Mumyaka egyo, kitera okubeerawo, mama wabaana okwagala okukulumya?

Sooka wekebere. Kisoboka okuba nti olina kyewakoze ekyakyusizza "mood" ya maama?

Jjukira nti yye yabadde akwetaaga, era ng'ali mu mood. Ekyo kyekyamwambazzizza obugooye bwa "march day" akusikirize.

Singa tubuzizza mama, olowooza nsongaki yye jeyandiwadde eyamujje mu mood?

==========

Re:Banange ndi musobya?

Posted by JeenaJulia - 2008/06/02 13:30

MY WIFE PUSHED ME INTO HER SISTER´S ARMS:

MY wife and I have been married for nine years and we have three wonderful children; two girls and one boy. My wife is what I would call a real African beauty — remember Ihuoma in The Concubine?

I am also grateful she has bore me such lovely children. The problem, however, is that my wife, whom I will call Di, is exhibiting bad qualities, which seem to get worse by the day. She is lazy, irresponsible, inconsiderate, hot-tempered, quarrelsome and too demanding.

I noticed some of these qualities when we had just married but I hoped she would outgrow it. Then she was 24. I tried to encourage her to do some work at home or at least to supervise the househelps. I told her that once the househelp gets to know that she could not do anything for herself, they would take her for granted and hold her at ransom. I was patient with her in the beginning. At that age, I thought she was still young and naïve. When I noticed she did not know any household chores and she despised most of them, I tried to work with her during weekends, to do things like cooking, washing, cleaning the house, washing dishes and even laying the bed. I thought I was teaching her, but every time I tried, she seemed so disinterested. I gave up. She wants the househelp to do everything, including laying our bed.

Since my wife does not work (she has so far got four job offers which she turned down that they are not well-paying) I

always leave her asleep when I go to work. And, mind you, she wants me to leave some money for her to go shopping, to the gym, to hang out with friends and to indulge herself — everyday. If I don't, she will raise hell, and she will deny me even 'the basic things'.

If the housemaid does not clean our bedroom, or wash the baby's clothes, I will find everything in a mess when I come back in the evening. One time I talked to her parents about her behaviour and I expected them to talk to her but nothing has changed.

Five years into our marriage, her parents sent her younger sister to live with us. The girl was then in S.5 and now she is in her second year at university. My wife expects this girl to do everything for the family, including washing her undergarments. She takes care of me and the children and does everything a woman should do in her home.

The problem is that I am getting more attracted to this girl. She is warm, hard working, respectful and has everything you would want in a woman (she is now 22). In fact, most people who come to our home think she is my wife (I would not mind her being one) and this tempts me even more.

As her sister goes out to drink with her friends, this young lady stays at home and looks after the family like it is her own. She knows where all my clothes and the children's clothes are and she puts them in order.

This is so tempting, yet I cannot chase her away because she is looking after my children. I must admit, I have already made advances. At first, she resisted saying she did not want to ruin her sister's marriage; but she later gave in and we have been in an intimate but secret relationship for the last two years. She seems to enjoy it but says she is overwhelmed by guilt.

The more I stay with this girl, the more she becomes irresistible. When I advised Di to get a place for her in a hostel, she vehemently protested. Of course, my reason was to avoid temptation but I would not tell Di.

These days, this girl looks so attractive. I guess very few men would be strong enough to resist the temptation.

I feel bad but since my wife is just a shadow in the home, I have no choice but to keep this girl around.

Recently, she told me she could no longer hide her love for me and she has started feeling jealous of her sister. She wants us to be open about it if I am not just using her. She also wants to get pregnant, which makes matters worse. I love my wife and would not want to hurt her yet I love this girl too. I appreciate her contribution to the home and I cannot imagine life without her. I would not want to lose her. To be frank, I want her as a wife but then I fear it will cause chaos in the home.

In all this, Di is so unsuspecting and not bothered and she is not doing anything to save her marriage. Ironically, she insists the girl must stay with us and look after the children. The children call her Aunt Mummy, probably because she is always there for them.

I am now thinking of taking her on as my second wife officially, when she is through with her studies. I am putting up a house where I want to take her, though I have not told her of my plans. I still blame my wife and believe it would not have

gone up to this if my wife was doing what she is supposed to do as a wife and a mother.

To all married women, my advice is that sometimes men do things not out of their choice but because you push them into the situation. Be careful who you bring to your home and what you do in your home. It can build or break your marriage.

I have reached a point of no return but, how do I break the news to my wife and my parents-in-law? Please counsellor, advise.

K.P

OMWAMI ONO MUSOBYA OBA NEDDA????:dry: :dry: :dry:

==========

Re:Banange ndi musobya?

Posted by omumbejja - 2008/06/02 17:38

_____

Nze kulwange omukyaala musalira omusango omuntu bwotuuka ekiseera ngomukooye kisingako nomuviira okusinga okuletawo situation ngeeno ate tebereza mugandawo yennyini obutafuba kukola kintu kyonna eyo yeeba green light joowa munno

.

Naye kati ekibi oba otadde abaana mulutalo wakati, oyiza okuleka nabaana okuyita mugandawo aunt -mummy oyo alina kasuka eri kyafuuwa .

Bwaaba omwaami asobola okwegomba abamuli ewala abatamukolera kantu, konna naye ono atukiriza buli buvunanyizibwa bwonna obwawaka.

Eno story mbadde sinnagimalayo nga nategedde we negweera omuwala okutakinga over natandika nokusaba rights ze kati bwebamuzimbira awalala bajja kuba omukyaala bamuyambye naye sirowooza nti omwaami anakomawo eno etri kitambula .

Oluusi abakyaala bagenda nebesulirayo ogwa nnaggamba nti kubanga omulala atutte obuvunanyizibwa ye bweyandibadde akola neyelabira nti nomu kwaano aba agusindikiramu.

Teri atayagala kukomawo waka nasanga omuntu amufaaako oba amulaga omukwaano, abeeka nno kale naye bwekituuka eno ebweeru nga na bantu bokolamu sibewammwe buli omu alubirira okulaba nti byokola bikyaama,

Awo nodda eka newevumagana ekikuzizza, newesanga ngasibidde mu baala kuba tayagala mbeera eri ka, Wewaawo oluusi nabaami bayitiriza ye nakomawo awaka nandibadde, amanyi nti nemunne yakoze nayagala omulengerere eri omwambulemu engatto.

Odduke wetege omuletere akachungwa nga tanatuula ate newatudde, odduke emisinde omuterewo akatto ngomaze

okukakuba obulungi nga kagonvu , odduke emisinde omuletere remote control omutereko omupiira ate oleme kumunyega okutuusa nga agumazeeko.

ate nekaba akabaate nga tiimu ye bagiwangudde. awo ngomanya nti emmere gyoleeta yeeyo yennyini gyayagala ekitali ekyo ajja gisongamu engalo nti yawolongose dda nenva za luzzi nennyama teyayidde , woo.

==========

Re:Banange ndi musobya?

Posted by tonto - 2008/06/02 20:00

Omwami oyo nze omusango ngumusalira. Omuntu yenna okusalawo okufumbirwa, oba okuwasa, olina obuvunanyizibwa okulaba nga gwosazeewo okubeera naye embeeraaze ozaagala.

Towasanga oba tofumbirwanga muntu nosuubira nti jebujja mubufumbo bwammwe alikyuuka abeere nga bwoyagala. Omuntu bwaba tali nga bwoyagala, you know, muyonjo, mukozi, alina obuvunanyizibwa, ssi muyombi, tolowooza nti oluvanyuma alikyuuka afuuke nga bwoyagala. Tekisoboka. Abantu tebakyuuka. Babeera nga bwobasanze emyaka jonna.

Kyekiva kibeera obuvunanyizibwaabwo okulonda omuntu ali ekyo kyoyagala kati, kati, sso ssi mumaaso eyo jebujja.

Oyo omukyala talina musango. Kati mumunenya ki? Ali mumbeera nga bweyakuzibwa. Kiri eri musajja ayagala okumuwasa okusalawo oba ekyo kyali kati naye kyayagala, oba nedda. Bwaba nga ssi kyayagala, anoonye omulala.

Gwe oyinza okulowooza nti yasindika mutoowe mumikono jo. Naye ekyo ssi bwekiri. Era oyinza okukyewuunya okusanga nga omukyala oyo takusuubira kwagala mutoowe. Mungeri yeemu nga omukyala oyo bwamanyi obulungi nti abakyala balina kubeera waka. Tebatekeddwa kugenda kukola. Bwatyo bweyakuzibwa.

Okimanyi nti ebintu bingi abantu byebakola, nga ate omuntu oweggwanga eddala alaba nti ebyo tebikolebwa? Oyinza okwesanga nga omukyala n'omwami ssi ba gwanga lyerimu.

Finally, oyo omwami bwanasalawo okuwasa muto wamukyala we, anaaba obuzibu bwe abukubisizzaamu emirundi ebiri. Kuba ajja kuba nabakyala babiri nga bombi bava kukikolo kyekimu. Ne muto wamukyalawe bwewanayitawo ebbanga nga naye abeeranga mukulu we. Kiki ekikulowozesa nti muto wa mukyala we asinga mukuluwe empisa? Enjawuli eri mumyaka kyokka, naye empisa zeezimu. Kuba bombi baakulira wamu.

==========